# KCCA eweze kasasiro ku ttaka ly'eggaali y'omukka

Bya ERIA LUYIMBAZI

EKITONGOLE kya KCCA kiragidde kinnaakyo eky'eggaali y'omukka okusiba olukomera ku ttaka lyakyo e Namuwongo, okutangira abatuuze okuddamu okuyiwawo kasasiro abadde akoze olusozi.

Kyaddiridde abakungu okuva mu KCCA abaakulembeddwa Hajati Sharifa Buzeki okugenda e Namungowo mu Kasanvu zooni ku Lwomukaaga, ne basanga ekifo abatuuze mwe bakung'aanyiza kasasiro nga akoze olusozi.



Hajjati Buzeki ng'ayogera eri abatuuze b'e Kasanvu mu Namuwongo. Yabadde ne Dr. Zalwango ate emabega ye ntuumu ya kasasiro gwe bayiyeewo okuva mu 1994.

Hajati Buzeki yagambye nti, okumalawo ekizibu kya kasasiro, buli maka gafune we gamukung'aanyiza, balinde olunaku mmotoka emusomba lw'eyita mu itundu, bamutikkeko atwalibwe.

"Ngala okubategeeza nti kasasiro wammwe mmwe mumuvunaanyizibwako era temuddamu kumukung'aanyiza mu kifo we mubadde mumuteeka. Buli maka gafune obuveera era mwawule avunda n'atavunda mulinde mmotoka emusomba," Hajjati Buzeki bwe yalagidde.

Yagambye nti, KCCA tekyalina mafuta galeeta bimotoka byayo ne ttulakita okuyoola kasasiro kuba erina ebintu ebirala eby'okukolako. N'agamba nti, KCCA egenda kuyoolawo kasasiro ono n'asaba ekitongoe ky'eggaali y'omukka okussaako olukomera okutangira abantu okuddamu okumuyiwawo.

Era yalagidde ab'eggaali y'omukka okusindikawo abaserikale baakyo okuwaluna era gwe banaakwata ng'ayiwawo kasasiro akolweko.

Meeya wa Makindye, Yasin Omar yagambye nti, ensonga eno yagiroopa ew'akulira KCCA n'agamba nti, abakulira ebyobulamu be batafaayo ate n'abayoola kasasiro basasulwa ssente ntono ezisaana okutunulwamu.

Yagamye nti KCCA bw'eba eremeddwa okuyoola kasasiro, bamukwase ebitongole ebirala nga amagye. Yagambye nti, waliwo abakozi ba KCCA abagenda mu bantu ne babasoloozaamu ssente omuli abatunda ebyokulya ku nguudo, abaazimba mu bibangirizi by'enguudo ne bamalaaya e Kabalagala.

Ssentebe wa Kasanvu zooni, Robert Byebiseho yagambye nti, ekifo kino baatandika okukikung'aanyizaamu kasasiro mu 1994.

## Kye bagamba



Bosco Nizeyimana; Bakwasise amateeka kitangire abamala gamansa kasasiro kuba bamuleeta okuva mu bitundu ebirinaanyeewo.



Jackson Kwizera; Abantu bagenda kuyiiya we bamuyiwa awalala kuba wano tuliraanye ekitoogo ky'omwala gwa Nakivubo. Mpozzi eyiwe abaserikale bakuume.



Godfrey Safari; Waliwo abava mu byalo ebituliraanye abatalina gye bakung'aanyiza kasasiro. KCCA egendeyo ebasomese.